# <u>2 ABASESSALONIIKA 3:1-5 - KATONDA MWESIGWA ERA ATWAGALA</u>

**Mu kitundu kino tugenda kulaba nti Katonda mwesigwa okutunyweza mu kukkiriza kwaffe nti ye y'atulungamya eri okwagala kwe abalala kwe batasobola kulaba.**

Olu 1-2 **Okusabira abaweereza**

Nga Pawulo ne banne bamaze okusomesa ebyo byonna bye tuzze tulaba eri abakkiriza mu Sessaloniika, babategeeza ebisembayo;

Abaweereza Pawulo, Sirwano ne Timoseewo basaba abakkiriza mu Sessaloniika okubasabiranga eri Katonda kubanga baalina obwetaavu nti Enjiri ya Kristo ennedduka mbiro/ misisnde/ eneeyanguwa okutuuka mu bitundu eby'enjawulo era nti buli w'enaatuuka Katonda anaaweebwa ekitiibwa nga bwe gwali eri Abasessaloniika.

Pawulo alaga obwetaavu bw'okusabira obuweereza bwe mu bbaluwa ze ez'enjawulo era nga ne;

**<u>1 Abasessaloniika 5:25</u>** - ***"Abooluganda, naffe, mutusabirenga***."

Abaweereza balina obwetaavu obw'enjawulo mu buweereza ne mu bulamu obwa bulijja kale kye kiva kitugwanira okubasabiranga bulijjo.

Enjiri bwe buna ebitundu eby'anjawulo Katonda agulumizibwa mu bitundu ebyo kubanga b'erokola bagulumiza Katonda.

Omulimo gw'enjiri ya Katonda kwe kuleeta abo abagiwulira eri Katonda bamusinze.

Ng'Enjiri bwe yajja gye tuli mu ngeri ez'enjawulo era nga Katonda akozesa abantu ab'enjawulo kitugwanira okusaba nti banaawulira Enjiri eyo nga naffe bwe twagiwulira ne tulokolebwa.

**Olu 2** Pawulo ne banne bagamba beetaaga okulokolebwa/ okutaasibwa okuva mu babi abattakkiriza butuukirivu bwa Katonda nga bali mu bibi era ng'ekimu ku by'ayoleka obubi bwa bwe kwe kwe kuwakanya Enjiri ya Kristo eyabuulirwa Pawulo ne banne.

Bwe yali awandiikira Abakkolinso mu

**<u>1 Abakkolinso 16:8-9</u>** yagamba nti ***"Kyokka ŋŋenda kubeera mu Efeso okutuusa ku Pentekoote. Kubanga ddala oluggi lw'Enjiri lunziguliddwawo, newaakubadde ng'eriyo bangi abampakanya."***

Ng'abalala bwe bakkiriza Enjiri ey'obulokozi, okukkiriza kuno si kwa bonna abawulira abagiwulira.

Omulimo gw’Enjiri kulokola naye eriyo abatalirokoka kale lwe tutaggwaamu maanyi bwe tubuulira ne watabaayo alokoka.

**<u>2 Abakkolinso 2:14-16</u>** ***“Katonda yeebazibwe atuwanguzisa bulijjo mu Kristo Yesu, n’akawoowo ak’okumanya, ke tubunyisa wonna. (15) Tuli kawoowo eri Katonda olwa Kristo mu abo abalokolebwa ne mu abo abatannalokolebwa. (16) Eri abatannalokolebwa, akawoowo kaffe ka kufa akatuusa mu kufa, naye eri abalokolebwa, ke kawoowo akongera obulamu ku bulamu. Kale ebyo ani abisobola?***

**<u>1 Abakkolinso 1:18-24</u>** ***“Ekigambo ky’omusaalaba kya busirusiru eri abo abazikirira naye eri ffe abaalokolebwa ge maanyi ga Katonda. (19) Kubanga kyawandiikibwa nti, "Ndizikiriza amagezi g’abagezi, ne nzigyawo okumanya kw’abayivu." (20) Kale omugezi aluwa? N’omuwandiisi aluwa? Omuwakanyi w’omulembe guno aluwa? Katonda teyafuula amagezi ag’ensi eno okuba obusirusiru? (21) Kubanga Katonda, mu magezi ge, yalaba ng’ensi teyinza kumumanya ng’eyita mu kutegeera kwayo. Katonda kyeyava asiima okuyita mu busirusiru bw’okubuulira Enjiri okulokola abakkiriza. (22) Kubanga Abayudaaya banoonya bubonero, Abayonaani bo ne banoonya amagezi, (23) naye ffe tubuulira Kristo eyakomererwa. Eri Abayudaaya nkonge, eri Abaamawanga busirusiru, (24) naye eri abaayitibwa, Abayudaaya n’Abamawanga, Kristo ge maanyi ga Katonda, era amagezi ga Katonda.”***

Enjiri y’emu bangi gye banyooma, ffe gye twakkiriza ne tulokolebwa era nga okuyita mu yo tulina obulamu obutaggwaawo wabula abo abagigaana era n’abagiwakanya wano we wali akwawula nti bonna abatakkiriza boolekedde akuzikirira emirembe gyonna.

**Olu 3-4 Obwesigwa bwa Katonda**.

Nga waliwo abatagenda kukkiriza n’ababi eri abaweereza ba Mukama ye Katonda akyali mwesigwa/ yeesigika nti alisimba abakkiriza bano ab’omu Sessaloniika ate abalokolenga/ abakuumenga bulijjo eri omubi Setaani. Nnina okwekwata ku bwesigwa bwa Katonda nti teri maanyi gasobola ku nzija mu mukono gwa Mukama Katonda era nga kino kya lubeerera.

**<u>Yokaana 10:27-29</u>** ***“Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanyi era zingoberera. (28) Nziwa obulamu obutaggwaawo, era tezigenda kuzikirira. Tewali n’omu ayinza kuzisikula mu mikono gyange, (29) kubanga Kitange yazimpa, era ye tewali amusinga maanyi, n’olwekyo tewali asobola kuzisikula kuva mu mukono gwa kitange.”***

Obwesigwa bwa Katonda mu kitundu kino bulagiddwa mu kino nti ajja kunyweza abakkiriza okubawonya omulabe Setaani.

**<u>Abakkolosaayi 1:23</u>** ***"Muteekwa okubeerera ddala mu kukkiriza nga munywedde era nga temusagaasagana okuva mu ssuubi ery'Enjiri gye mwawulira, eyabuulirwa abantu bonna abali ku nsi, nze Pawulo gye nafuukira omuweereza waayo."***

**<u>Abakkolosaayi 2:6-7</u>** ***"Nga bwe mwaweebwa Kristo Yesu Mukama waffe, mutambulirenga mu ye, (7) nga musimbibwa era nga mukuzibwa mu ye, era nga munywezebwa mu kukkiriza nga bwe mwayigirizibwa, nga mujjudde okwebazanga.***

**Olu 4** Nga Mukama bw'ali omwesigwa, Pawulo ne banne bamwesiga nga bamanyi nti Yesu Kristo y'asobozesa abakkiriza okukola bye bayiga okuva mu Njiri y'abaweereza era lino ly'essuubi nti akikola mu bulamu bwa bwe nabo ne bakola bulijjo ebiva mu kigambo kye.

Bwe twogera ku bwesigwa bwa Mukama naffe tulina okumwesiga olwo obwesigwa bwe buleme kubeera nfumo oba bwe tulagiriza abantu abalala okumwesiga naye nga ffe tetumwesiga.

Okukola okw'ebyawandiikibwa kusinziira ku kwewaayo kwaffe eri Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda kubanga muno mwe tulina obusobozi okukola ebiva mu Kigambo kya Katonda.

**Olu 5 Okwagala kwa Katonda**

Yesu Kristo akulembere emitima gy'abakkiriza okutuuka mu kwagala kwa Katonda.

Era nga bwe kyali kwagala kwa Katonda, n'obugumiikiriza (okunywezebwa/steadfast) okuva eri Mukama waffe Yesu Kristo eri abantu kwetaaga kulungamiziibwa.

**<u>Abaruumi 5:4-5</u>** ***"Era okugumiikiriza kututuusa ku mbala ennungi, n'embala ennungi ne zitutuusa ku ssuubi. (5) Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajjuza emitima gyaffe okwagala kwe.***

Okwagala kwa Katonda kubunye wonna era kulabika wabula si buli omu nti akulaba era okukulaba kitwala omuntu okuba ng'alungamiziddwa eri okwagala kuno.

**<u>1 Yokaana 3:1-3</u>** ***"Mulabe okwagala Katonda kw'atwagala bwe kuli okunene ennyo, n'atuyita abaana be, era ddala bwe tutyo bwe tuli. Ensi kyeva eremwa okututegeera, kubanga naye yennyini teyamutegeera. (2) Abaagalwa, kaakano tuli baana ba Katonda, naye tetumanyi bwe tuliba. Kyokka tumanyi nti bw'alirabika tulifaanana nga ye, kubanga tulimulabira ddala nga bw'ali. (3) Buli muntu alina essuubi eryo yeetukuza nga Katonda bw'ali omutukuvu***.

Kitwala Katonda okutubikkulira okwagala kwe gye tuli kubanga buli wetuli walabikirawo okwagala kwe.

Katonda atwagala***.***

<u>**Zabbuli 103:11**</u> ***"Ng'eggulu bwe litumbidde ennyo waggulu w'ensi, n'okwagala kwe bwe kuli okunene bwe kutyo eri abo abamutya."***

Nsaba buli omu kuffe ali wano leero amanye mu mutima gwe nti Katonda amwagala okusinga ne bw'alowooza. Okwagala kuno kubikkuliddwa ku musaalaba nga bwatyo bwe yayagala okutuuka okufa.

<u>**Yokaana 3:16**</u> ***"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo."***

<u>**1 Yokaana 4:9-10**</u> ***"Katonda yatulaga okwagala kwe, bwe yatuma mu nsi Omwana we omu yekka bw'ati, tulyoke tube abalamu ku bw'oyo. (10) Mu kino mwe tutegeerera ddala okwagala kwennyini, kubanga teyakikola lwa kuba nti Ffe twali twagala Katonda, naye ye yennyini ye yatwagala, n'awaayo Omwana we ng'omutango olw'ebibi byaffe.***

Teri n'omu kuffe ayinza kuvaayo n'agamba nti yasaanira okwagala kuno naye Katonda atwagala lwa kisa kye.

Tunyerere mu kwagala okwatubikkulirwa era tuleete  bangi eri okwagala kuno.

Tunywerere ku kuyigirizibwa kw'ekigambo kya Katonda.

Tusabire abaweereza basobole okubuulira ekigambo mu bwesigwa era n'okuyita mu kuwakanyizibwa.